

Ekitundu 4: Engeri gy'oyinza okweetegeera ggwe

Abaruumi 12:3-8

Ebibuuzo bisatu ffenna bye twebuuzza:

1. Nze ani? (Ebikukwatako)
2. Ngwa wa? (Obukakafu bwo)
3. Kiki kye nnina okukola? (okubeera n'amakulu mu nsi)

Lwaki kizibu nnyo okuddamu ebibuuzo bino?

⁸Awo ne bawulira eddoboosi lya Mukama Katonda ng'atambula mu nnimiro, mu budde obuweeweevu. Omusajja n'omukazi ne beekweka mu miti Mukama Katonda aleme okubalaba.

⁹Naye Mukama Katonda n'ayita omusajja nti, "Oli ludda wa?"

¹⁰N'addamu nti, "Mpulidde eddoboosi lya mu nnimiro, ne ntya, kubanga mbadde bwereere; ne nneekweka."

¹¹N'amubuuza nti, "Ani akubuulidde nti oli bwereere? Olidde ku muti gwe nakulagira obutagulyangako?"

¹² Omusajja n'addamu nti, "Omukazi gwe wampa okubeeranga nange y'ampadde ekibala ne ndya."

¹³Mukama Katonda kwe kubuuza omukazi nti, "Kiki kino ky'okoze?" Omukazi n'addamu nti, "Omusota gwe gunsenzesenze ne ndya."

Oluberyeberye 3:8-13

Ebintu bisatu ebiziyiza okufuna eby'okuddamu ebituufu:

1. Okutya nga kusibuka mu **KUSWAALA**.
2. Okwekweka okusibuka mu **KUTYA**.
3. Okunenya nga kusibuka mu **KWEGAANA**.

Eky'okuddamu kya Katonda:

Abaruumi 12:3-8

1. Ggwe ani?

Abaruumi 12:3

Kubanga njogera olw'ekisa kye naweebwa, eri buli muntu mu mmwe, obuteerowooza okusinga ekyo ky'asaanidde okulowooza, naye okulowoozanga nga yeegendereza, nga Katonda bwe yagabira buli muntu ekigera ky'okukkiriza.

Ekiragi: Werowozeeko mu **BUTUUFU**.

2. Ogwa wa?

Abaruumi 12:4-5

⁴Kubanga nga bwe tulina ebitundu ebingi mu mubiri ogumu, ebitundu ebyo byonna bikola emirimu gya njawulo. Noolwekyo nga bwe tuli omubiri ogumu mu Kristo, buli muntu kitundu ku mubiri ogumu ogwo.

Ensonga: olina **OMUGASO** ogw'okutuukiriza.

3. Olina kukola ki?

Abaruumi 12:6-8

⁶Tulina ebirabo, ng'ekisa kye tulina bwe kyatuweebwa mu ngeri ey'enjawulo, oba bunnabbi, ng'ekigera ky'okukkiriza bwe kiri, oba buweereza, mu buweereza, oba omu okuyigiriza, mu kuyigiriza; oba omulala okugumya banne mu kubazzaamu amaanyi, oba omulala mu kugaba, oba omulala, okufuga n'obunyiikivu, n'omulala okulaga ekisa nga musanyufu.

Okuteeka mu nkola: Zuula era **OKOZESE** ebirabo byo eby'omwoyo.

Tewerabiranga ekyo kyoli ddala ekituufu!

1. Katonda yakutonda mu ngeri ey'enjawulo – oli wa **MUGASO EMIREMBE GYONNA.**

Zabbuli 139:13-14

2. Katonda yakuteeka mu maka ge – **OKIRIZIBWA EWATALI BUKWAKKULIZO.**

Abeefeso 3:19-22

3. Katonda yakuwa ekirabo okutuukiriza ekigendererwa kye – oli **WANJAWULO, OW'OMUWENDO ATAZIKAWO.**

Abeefeso 2:10

Wekebere:

1. O Bwoba wa kwepima, wakati wa 1 – 5, otera kwerowoozaako mu butuufu kyenkana ki? Lwaaki? Lwaaki nedda?
2. O Mu kwepima wakati wa 1 – 5, enkolagana yo ne bakkiriza banno eri etya? Lwaaki? Lwaaki nedda?
3. Ekirabo kyo ekikulu eky'omwoyo kye ki? Kiki kyosinga okwagala okukola eri abantu ba Katonda ekiyamba n'okuzzaamu abalala amaanyi?
4. "Ddaala ki eriddako" ly'olaba Katonda ly'ayagala otwale okukulaakulanya n'okwekebera nga okozesa okutegeera okutuufu?